**20th May 2018.**

# OBUSUKKULUMU BWA YESU KRISTO ERI BYONNA.

**Abaebbulaniya 1:4-14**

Amakya ga leero nga tweyongera okusomesebwa mu kitabo kye twakatandika, eky'ebbaluwa eri Abaebbulaniya ekyawandiikibwa omuntu atamanyikiddwa era gwe tuteetaaga kuteebereza wabula okkakasa nti Omwoyo Omutukuvu y'ensibuko ya byonna ebigirimu.
Nga mu nnyanjula mu bufunze twategeezebwa ku busukkulumu bw'enjiri ku by'obunnabbi, olw'obukulu bwa Yesu Kristo Mukama waffe, obunnabbi, n'emikolo byonna gwe byaali bisongereza, olw'obuyinza bwe n'obutonzi awamu n'obubeezi bw'obutonde bwonna mu ntuuko zaabwo.
Tujja kkiraba nti ebbaluwa eno okusinga esosowaza obukulu bwa Yesu Kristo ng'emwoolesa gyetuli mu ngeri enkulu ennyo fenna ezitugwaanidde okumukakasa nga Mukama waffe.

Era mu kitundu kyaffe leero, tulaba obusukkulumu(superiority) bwa Yesu Kristo eri bamalayika na byonna. Ekiyamba ennyo mu kwambalagana n'enjigiriza ezimu ezimuyita okuba muganda wa malayika Mikayiri…..
Tumanyi era twongera okutegeera leero obukulu n'obuyitirivu bwa bamalayika ng'ebitonde ebituukirivu Mukama Katonda bye yatonda, ekiyisa abamu ku nsi okuba bamalayika kyokka nga bantu, okusinga nga bakazi.

Tusome nny. 4 -14………
Lnny. 4 - Okusooka, obusukkulumu bwa Yesu Kristo bukakasibwa mu kuba nti ye yaweebwa erinnya erisinga amannya gonna obukulu, nga bwe kyawandiikibwa nti buli vviivi livunnama na buli lulimi lwatula nti ye Mukama. Abafiripi 2:9-11…
Era ebyawandiikibwa bimenyebwa omulagirwa obusukkulumu bwa Yesu Kristo mu kweyongerayo.

Lnny. 5 – Zabb.2……. (esp.7)…. Oba byogera ku kuzuukizibwa kwe oba ku kutikkirwa kwe, biraga obutenkanika bwe eri malayika yenna.

Lnny. 6 – Tujjukira ku kkwaaya ya bamalayika abasinza ku mazaalibwa ga Yesu, era kiragirwa mu Zabb. 97:…….(esp.7)….

Lnny. 7 – Zabb. 104:4………

Nny.8 - 9 – Zabb. 45: 6,7………
Lnny 9…..Ayagala obutuukirivu n'akyaawa obubi oyo Mukama gwafukako amafuta….

Nny. 10 -12 – Zabb. 102:25-27……..
Abakolosaayi 1:17………

Nny .13 – 14 – Zabb. 110:1
Zabb. 91:11,12…….